



Okunoonyereza  
nokuyiga

# Ebikwata ku bulemu n'omuwendu gw'abaana abalina obulemu mu Masomero: Okugezesa kwa Child Functioning Module- Teacher Version (CFM-TV) mu Mbeera Ezitalinda awamu N'ezimala ebbanga

RS Mubufunze | 45 | By Aude Brus, Sandrine Bohan-Jacquot, Yahoko Asai  
3I Division / Social Inclusion Technical Direction/ EAR Program  
2023

## Ebikwata ku HI

ekitongole kya Humanity & Inclusion (HI) kikulera wamu n'abantu abalina obulemu n'abo abali mu buyinike obu, okubaako ekikolebwa n'okukakasa okusobola okukola okwanukula obwetaavu bwabwe, okulongoosa embeera gyebawangaliramu n'okutumbula ekitiibwa kyabwe nga abantu awamu n'eddembe lyabwe ery'obwebange. HI ekola okwongerezako ku nteseganya ze nsi yonna ku kunganya ebikwata ku bulemu.

## Obikwata ku bufunze bunu

Kyafulumizibwa aba Humanity & Inclusion

## Ebikwata ku kunoonyereza kuno

Okunoonyereza kuno kukoleddwa nga kuyambibwako aba Washington Group ku Mbalilira n'ebikwata ku bulemu era okwebaza kugende eri obuvujirizi obwawebwayo aba Education Cannot Wait.

## A. Ekinyusi ky'okunoonyereza

Okukunganya ebikwata ku bulemu kya nkizo nnyo mu kwanganga okusoomoozebwa okuyitiibwamu n'okukakasa nti abantu abaliko obulemu 'tebalekebwa mabega'. Wadde nga Alipoota y'ensi yonna ku bulemu eraga nti ebitundu 15 ku buli 100 eby'abantu baliko obulemu, okukunganya ebikwata ku bulemu ebituufu kikyali kyakusoomooza, emirundi egisinga kya bbeeyi nnene ate nga n'ebikunganyizibwa tebituukiridde. Omuwaatwaguno gukosa nnyo abaana n'abavubuka abalina obulemu, nekibaletera obutenyigira mu by'obufuzi awamu n'emumbeera za bulijjo", nekiteekawo emiziziko egibakugira okufuna obuweereza obukulu nga mu by'okusoma n'obujjanjabi.

Washington Group of short set of Questions on Disability n'ekozesebwa nnyo okukunganya ebikwata ku bulemu mu bantu abakulu; naye bwekozesebwa ku baana tejjayo bubaka bwetagisa kumanya bulemu. Mu kwanukula, UNICEF yagunjawo enkola ya Child Functioning Module (CFM) n'ekirubiriira eky'okuzuula abaana abalina obuzibu obuyinza okubalemese okwenyigira mu mbeera z'obulamu bwabulijjo. abalabirira ab'okulusegere baddamu ebibuuzo nga abayima b'abaana. Okubuuzibwa kusobola okukolebwa mu bitundu eby'enjawulo, okusingira ddala awaka ne ku ssomero. Wabula okuyita abazadde ku masomero okubabuuzo ebibuuzo 24 ebikwata ku baana baabwe ababa baloneddwamu kyakusoomooza, naddala mu mbeera etalinda awamu mbeera eya katyabaga.

Enkola ya Child Functioning - Teacher Version (CFM-TV) yategekebwa. Enkola eno ekkiriza abasomesa okuddamu ebibuuzo nga abayima ba baana. Era erina ebibuuzo 13 ebikwata ku nneyisa, nekiyambako abasomesa okwekennya obuzibu abayizi bwebalina mu kusoma.

HI yakola okunoonyereza mu nkambi y'ababundabunda eya Kyaka II mu Uganda okunoonyereza ku nkola ya CFM-TV oba nga ddala ekola, yeesigika, n'ebiva mu kugikozesa mu kusoma kwa bonna naddala mu mbeera y'okusoomoozebwa.




## B. Ebirubirirwa eby'awamu n'ebyesimba

Pulojekiti y'ebikwata ku bulemu mu masomero (DiDa) eruubirira okwongerako ku kufulumya ebikwata ku bulemu mu masomero ebyesigika mu mbeera esoomooza. Ekiruubirirwa ekisooka eky'essimba kyali kyakwekenneenya oba enkola ya CFM-TV nyangu yakutegeera eri abo abaddamu ebibuuzo. Ekyokubiri era nga kyekirubirirwa ekikulu kyali kya kwekenneenya okulaba nga enkola ya CFM-TV esobola okwesigamwako. Pulojekiti yekeneenya okulaba nga ebivaamu tebyawukana singa biba bididdwamu mu mbeera ezifanagana. (nga abasomesa bebamu beekeneenya abayizi bebamu, sabiiti 3 ezeyawudde) era nengeri gye yakanyiiza n'ebyo ebiba bikunganyiziddwa nenkola en-dala n'abaddamu abalala. (CFM eya balabirira abaana ne alipoota y'abaana bennyini nga bbo bali wakati we myaka 12-17). Mu kufundikira, okunoonyereza kulubiri okulaba oba enkola ya CFM-TV ekoleka era esobola okukozesebwa esobola mu mbeera y'essomerol yennyini oba ekibiina kyennini omusomerwa.

## C. Enkola

Okunoonyereza kukozeza enkola entabuletabule. Okusooka, okubuuza ebibuuzo eby'okutegeera kwa-kolebwa abasomesa n'abayizi abasussa emyaka 12 mu masomero abiri agalondebwa nga tewali kyesigamidwako. Okuzuula okulaba oba nga enkola ya CFM-TV yesigamwa, amasomero amalala assatu nago galondebwa nga tewali kekubiira nekibiina kimu ku buli mutendera nakyo kyalondebwa nga tewalikyesigamidwako okuva mu buli ssomero, okukola omugatte gwa bibiina 21 era n'abasomesa 21. Okunoonyereza okw'ebibalo kwatekebwa mu nkola mu obubondo 3 : abasomesa (emitendera 2, sabiiti ssatu ezeyawudde), abalabirira abaana n'abayizi abasussa emyaka 12 egyobukulu. Mu kumaliriza, Obubondo 3 obwokukubaganya ebiroowoza n'ebwokwekennezebwa 5 bya-kolebwa okulaba nga enkola ya CFM-TV esobola okutekebwa mu nkola mu masomero amalala. Eki-faananyi wansi kiraga enkola y'okunoonyereza.

### Ekifaananyi: eKiraga enkola y'okunoonyereza ku abo abalondobwamu.



## D. Ebyazuulibwa

### (1) okutegeerekeka kwe enkola ya CFM-TV eri abasomesa

Obubaka obwaddibwamu abasomesa ku byabuuzibwa okutwalira awamu bwali bulungi, baategeeza nti ebibuuzo "byali byangu byakutegeera" era nga bikwatagana n'embeera gyebakoleramu. wabula, enjawulo yajjawo wakati webibuuzo: obusobozi obumu teb-wazuulibwamu (oba oli awo butono) buzibu bwonna. (ekyokulabirako: okuddamu ebibuuzo ebikwata ku kulaba kuwulira n'okutambula). Ku kibuzo 'ky'okujjukira' mukifo ky'okukwata obukwasi mu mutwe, abasomesa essira baaliteeka ku busobozi bwa bayizi obwokujjukira ebyali bisomeseddwa olunaku olwayita, abasomesa abamu bazuula nga okuteekamu ekibuuzo ekikwata 'ku kukola emikwano' nga kyewunyisa, kuba tekyatwalibwa kuba kituundu ky'obuvunanyizibwa bwabwe oba

endaba yabwe eyebintu. Obubaka bunu bwonna bwa-kozezebwa mu kutendekebwa kwa basomesa.

### (2) Okwesigamwa kwa CFM-TV

Obutakyukakyuka kunkola ya CFM-TV yakolebwa nga bagerageranya ekitundu ky'abayizi abasanga obuzibu nga bwebekennenyezebwa abasomesa mu muntula bbiri ezenjawulo mu sabiiti 3 ezeyawudde. Ebivaayo bisonga ku kukkaanya okwekigero, ekitegeeza nti waaliwo eddaala lyakigero eryesigamizibwako mu kwekeneenya embeera y'obulemu bwa bayizi ab'ekibiina kyabwe.

Okukkaanya kubizuulibwa kwakolebwa nga bagerageranya okwekeneenya kw'abasomesa abasooka n'abalabirira abaana, era n'okugerageranya abasomesa n'abaana byebeyogerera nga bbo. (abaana wakati wemyaka 12 ne 17)

## **Okugerageranya eby'abasomesa nabalabirira abaana:**

Ebivaayo biraga nti abalabirira abaana bazuula abaa-na abalina obuzubu bangiko bwogerageranya n'abasomesa. abalabirira abaana n'abasomesa bekeenya omuwendo gwegumu ku bibuuzo ebikwata kukujjukira, era kyenkana guli kyenkanyi n'ebibuuzo ebikwata ku nneyisa y'okwefuga. wabula, waaliwo okwawukanamu nga batunuulira ebibuuzo ebirala

Ensengejja yokukkaanya wakati wa basomesa n'abalabirira abaana ku kikwata ku mbeera y'obulemu bwa baana yawa ebyavaamu nga byewunyisa. Etegeeza nti waliwo okukkaanya kutono wakati wa basomesa n'abalabirira abaana munekeneenya yabwe ku mbeera y'obulemu okuyita mu njuyi zonna. wabula, newade nga wabulawo okukwatagana n'okukkaanya okwa maanyi, kyelaga lunye nti abasomesa n'abalabirira abaana bakkaanya ku butabaawo buzibu bwonna mu bibuuzo ebyabuzibwa ku nnaamba enene ey'abaana.

Okunoonyereza kuno era kulaga nti newankubadde nga abalabirira abaana n'abasomesa bakkiriziganya ku mbeera y'obulemu mu baana abamu, okuddamu kwabwe kwawukana ku buli kibuuzo sekinoomu ekyaleeta okusomooza. Eno nga abasomesa essira baliteeka kubikwatagana n'okuyiga n'obusobozi bw'okukyukakyuka n'embeera, abalabirira abaana bbo batunuulira obulemu obukwata ku enketteso z'omubiri, obuzibu mu kuwaya, obuzibu bwokubeera nabalala awamu nabutya bwebewulira. Ebyazuulibwa bino bikkatiriza engeri ezenjawulo ezokuzuulamu obulemu biraga obuzibu obuli mu kuzuula obulemu obwenjawulo naye era no kunokolayo engeri ez'enjawulo abalabirira abaana' nabasomesa zabalabamu ebintu.

**Newankubadde nga basobola okukkaanya ku kubeerawo kw'obulemu, engeri ez'enjawulo zebaazuula nga zakusomooza zawukana okusinzira ku, byebakola obumanyirivu, awamu n'ebisoosowazibwa.**

## **Okugerageranya eby'Abasomesa n'Abayizi:**

Abayizi nga bbo byebaazuula ebibawa obuzibu byali byanjawulo ngabyetooloolera ku bibuuzo ebikwata kukujjukira nga kwekwasingira ddala. Waaliwo obutakkaanya wakati w'abayizi n'abasomesa mu kwekeneenya embeera y'obulemu mu baana.

Okufunzafunza, okunoonyereza kulambika nti abasomesa bazuula ebikwata ku bulemu ebisobola okwesigamwako nga abayima. Ebivaamu biraga nti okukkaanya kubizuulibwa kwali kwakigero mu kwekeneenya kwa basomesa, wabula okukkanya kubizuulibwa wakati wa basomesa n'abalabirira abaana oba abaana kwaliko ekkomo. Naye kino kiri kityo lwakuba nti entegeeera yebintu

eyawukana, n'endaba yaabyo awamu n'ebisoosowazibwa abawa obubaka (abasomesa, abalabirira abaana, n'abaanai)

## **(3) Ensonga z'ebali eziyinda okulobera ebyavaamu okubeera nga byesigamwako kuliko obunene bwekibiina n'obudde bw'okwekeneenya.**

Abasomesa okutwalira awamu baalaga obumalirivu mukwekeneenya abayizi, nebwekyatuuka ku bibiina ebinene. Wabula, waaliwo obusobozi bwokuteber-eeza ebiddibwamu mu mbeera ezitangatanibwa. Okunoonyereza kwakizuula nti enkolagana y'abasomesa n'abayizi yeyongera okutereera ekiseera bwekyagenda mu maaso.

Ebyo nga bizze ku bbali, singa ekiseera wakati wokutandika kw'omwaka gwokusoma n'okwekeneenya ddala kyetagisa (wakiri omwezi gumu oba kale nokusingawo), kiyinda obutetagiisa kulinda nnyo okusinga wano anti abasomesa abetaba mu kunoo-nyereza kuno baasobola okwekeneenya abayizi sekinoomu mu kibiina kyabwe oluvanyuma lwa sabbiiti ntono nga bali wamu

## **(4) Enkyukakyuka mu ndaba y'ebintu n'ebikolebwa.**

Okuganyulwa okutaasubiirwa kwali kwa CFM-TV kwongera muliro ku nkola y'okusomesa kwa bonna, nga mwegattidwamu enkyukakyuka ennungi mu ndowooza z'abasomesa n'ebikolebwa, awamu ne nkyukakyuka ezitaasubiirwa mu nneyisa y'abayizi n'okwetaba mu bintu eby'enjawulo. Okunoonyereza kuno kugyeyo ebirabwako era ebya makulu mu kuyusa endowooza endaba y'ebintu y'abasomesa awamu nene yisa mu bbanga lya kaseera katono ddala.

**“CFM-TV yandetera okwebuuzo ebibuuzo bingi okuva mu busonda obw'enjawulo. Okugeza, nsobola ntya okusomesa omuyizi okumala omwaka mulamba nga simanyi wadde erinnya lye?” – omusomesa omwami, Mukunoonyereza.**

**“Mukulaba kwange abayizi bange kati batwala ekibiina okuba nga kyabwe. Baateranga okugamba 'ekibiina kyange' naye kati kiri nti 'ekibiina kyaffe'.” – omusomesa omukyala, okuva mu kabondo akamu.**

Ekyaseesa omuliro ku nkyukakyuka kyalabika okuba nga okusomesa kwemitendera okw'ennaku ebbiri kwalubirira okumanyisa n'okunyonyola omugasogwa CFM-TV, okwamalirizibwa n'obuwagizi bw'abasomesa obutakoma mu kiseera ky'okukunganya ebikwata ku bulemu. Alipoota ekattiriiza

oluvanyuma nti okukungaanya ebikwata ku bulemu bwa bayizi mu masomero kusigala kwa mugaso, olwokuba kisobola okutereza embeera y'essomero, engeri z'okusomesaamu, n'enkola z'okuyiga. Okwongerako, ebyakunganyizibwa bino bikola

kya maanyi mu kubaga amateeka ge by'ensoma, okugabanya ebyetaagisa, n'okulondoola kawefube. Okusinzira kundaba w'ebintu, ebyakunganyizibwa byamugaso nnyo ku mutendera gw'okuteekateeka n'okwekenneenyanya pulojekiti.

## E. Conclusion

**Ebikulu bingi ebyokutwala ebyasibuka mu byava mu kunoonyereza kuno.**

- **Okunyonyola Emiwaatwa egiri mu Bikwata ku Bulemu:** Okunoonyereza kugumiza obukulu bw'okunyonyola emiwaatwa egiri mu bikwata ku bulemu, naddala ekikwata ku baana n'abavubuka abalina obulemu. Abaana abalina obulemu bwebabula mu bibalo ebitongole ebikwata ku bulemu, kibaletara obutenyigira "mu byobufuzi n'emumbeera ezabulijjo" embeera eyo okunoonyereza kuno jekulubiriira okutereza.
  - **Omulumu gwa CFM-TV:** Enkola ya CFM-TV ekiriza abasomesa okwekeneenyanya obuzibu bw'abayizi baabwe mu mbeera ze kibiina. Nga ewa abasomesa engeri zo kwekeneenyamu obusobozi bw'abayizi baabwe awamu nebibasomooza mu ngeri etegerekeka, kizibikira omuwaatwa ogw'amaanyi mu kukunganya ebikwata ku bulemu, naddala mu mbeera ezitalinda awamu n'ezimala ebbanga.
  - **Okwesigamwa n'Emigaso gya CFM-TV ku mutendera gw'ekibiina:** Ebyazuulibwa bisonga ku kukkaanya kwekigero wakati w'emitendera egyakolebwa abasomesa mu sabbiiti ssatu ezeyawudde. Wabula, kyiraga ngeri abasomesa bwebasobola okweyambisa enkola yokubuuza ebibuuzo okwekeneenyanya abayizi, olwo nno nekiyambako okukungaanya eebivaamu ebituukiridde. Obunene bwekibiina tebulabika kukosa busobozi (n'okuzamu amaanyi) kw'abasomesa okwekeneenyanya abayizi bonna. Sso nno, CFM-TV eraga ebirungi ebikwatwako, nga enkyukakyuka ennungi mu ndowooza za abasomesa n'ebikolebwa, nga kwotadde nokulongooka okutasuubirwa muntegeera n'okweyigiramu kw'abayizi.
  - **Abasomesa nga abayima ba baana:** Abasomesa n'abalabirira abaana basobola okuba abayima okwekeneenyanya embeera y'obulemu bw'abaana naye ebifunibwa tebifuna makulu gegamu era tebijja kuwa mulamwa gwegumu n'o mugaso gwebumu.
  - **Okusoma kwa bonna mu mbeera ezisomooza:** Mu mbeera ya katyabaga awamun'ezimala ebbanga okusoma kwa bonna kusanga okusomooza okwekika eky'awag-gulu. Alipoota y'okunoonyereza kuno ekiggumiza nti enkola ya CFM-TV esobola okuba eyamaanyi mu kuyambako kawee-fubew'okusoma kwa bonna mu mbeera enzibu bwezityo. Nga wateekebwawo enkola y'abasomesa okuzuula n'okukola obuzibu bwa bayizi baabwe, kiyambako okutegeera eddembe lyo kusoma okuli ku mutindo okwa bonna, nga kutwaliiramu naabo abalina obulemu.
- Nga tuufundikira, alipoota y'okunoonyereza kuno erwanirira obukulu bwebikunganyizibwa ebituukiridde mu kutegeera n'okukola kubyetaago by'abaana n'abavubuka abalinaobulemu, naddala mu mbeera ezirimu okusomoozebwa nga mu mbeera ezitalinda awamu n'ezimala ebbanga. Kino kiggulawo amaaso nti okunoonyereza kukyetaagisa, waddenga, enkola ya CFM-TV eze nga enkola eyokugonjola, nga ewa emiganyulo egyesigamwako era egirabwako eri abasomesa n'abayizi. Okusobola okuziba emiwaatwa egiri mu bikunganyizibwa, enkola eno eyambyeko ku kirubiriirwa ekikulu ekyokusoma kwa bonna, okukakasa nti tewali mwana alekebwa mabega, nga tetufuddeyo kubusobozi bwabwe oba ebisomooza.